ABABAKA B'ESSUUBI COVID-19

Ebyetaagisa okutunuulira Ku COVID-19 byawuddwamu abakulembeze b'enzikiriza n'ebitongole eby'enjawulo mu ggwanga mu mitendera musanvu (7).

- **Obulamu** - si kufa. Obulwadde bwa COVID-19 tuleme kubutunuulira ng'okusanawo.
- **Essubbi** - si kutya. Okuwa amabanga kuziyiza okusasaana kw'obulwadde bwa COVID-19.
- **Enkolagana** - si kweyawula. Amasimu, obubaka (sms) whatsup ,TV, radio. kwaabo abaggaliddwa.
- **Eky'okulabirako** - okwetangira okukulu; okwewala omugoteko.
- **Okufaayo** - kwaabo abakwatiddwa obulwadde bwa COVID-19, mu maka, mu bibinja ne bibiina.
- **Okujaguza** - si kusosola abassuuse n'abawonye.
- - guvamu**Omugaso** essuubi, okusiima, obusaasizi ; abenzikiriza basobola okukozesa obubaka bw'enjiri mu'njogeragana zona ezisoboka ne ku laadiyo ne tv.

Susan Hillis shillis@cdc.org

OBULAMU

- Tusobola okubeera n’essuubi erya ddala mu maaso ga COVID-19! Obulwadde bwa COVID-19 obusinga obungi si bw’amaanyi; abantu abasinga obungi abalwala COVID-19 bawona; era buli muntu asobola okubeerako ky’akola mu kuziyiza obulwadde obupya nga akola ebintu ebyangu nga okwewa amabanga, okunaaba engalo, okubikka ku mumwa n’ennyindo bw’oba okolola oba okwasimula, okwambala akakookolo n’okwewala enkungaana.

- Obulamu kirabo kya Katonda kye tulina omukisa okugabana, okukuuma n’okujaguliza ku lwa baganda baffe ne bannyinaffe.

OBULAMU

- COVID-19 asobola okuwangulwa okuyita mu kwegattira awamu – okusobola okubeera n’obulamu ate nga bungi: yonja engalo zo emirundi egiwera; kololera oba yasimulira mu nkokola zo; weewale okwekwata mu maaso, ennyindo n’emimwa; komya okugenda mu’nkungaana, kendeza obudde bw’omala mu bifo ebirimu abantu abangi; era bw’obeera n’abalala, yambala akakookolo!

- Ebikolwa eby’ekisa eby’amaanyi bigenda mu maaso okwetoloola ensi yonna okukomya okusaasaana kwa COVID-19. Soosoowaza obulamu!

- Tusobola okuyimirira ffenna awamu okulwanyisa ebikolwa eby’effujjo n’okunyigiriza mu COVID-19!

OBULAMU

- Yogera ebigambo eby’ekisa n’okuzzaamu amaanyi eri abaana bo. Babadde bazira mu biseera bino!

- Obulamu bwo bukulu! Bukuume: naaba engalo zo; yambala akakookolo; weewaale ebifo ebirimu abantu abangi; faayo ku mabanga go!

- Obulamu kirabo kya muwendo; bukuume bw’otyo – twekuuma ne ba mmemba b’enzikiriza zaffe eri COVID-19 okuyita mu kwambala akakookolo; okunaaba engalo buli kiseera n’okwewa amabanga; n’okwewala enkungaana ennene.

- Ka twogere nga tulwanyisa obutabanguko n’okunyigiriza mu nzikiriza zaffe. Obulamu Kirabo okuva eri Katonda.

ESSUUBI

- Okuwa abantu essuubi buvunaanyizibwa bwange ng’omukulembeze w’enzikiriza. Nga tuli wamu, tusobola okuwangula COVID-19! OBA Okuwa abantu essuubi buvunaanyizibwa bukulu obw’abakulembeze b’enzikiriza n’abakkiriza. Nga tuli wamu tusobola okuwangula COVID-19!
- Nga tugoberera ebikolwa ebitulagirwa nga okwewa amabanga, okunaaba mu ngalo n’okwambala akakookolo, tusobola okukomya okusaasaana kwa COVID-19 nga tuli wamu!
- Nga tuli wamu, tusobola okuwangula COVID-19.
- Essuubi, amazima, ekisa n’okusaasira ka bisigale nga enjazi zaffe ezitajjulukuka.
- Wakati mu bulumi bwe tugenda mu maaso n’okugumira, tusobola okufuna obuddukiro okuva mu mboozi ez’essuubi n’obumu, n’okugenda mu maaso nga tulaba omuwendo mu by’okuyiga ebirungi, ebizzaamu amaanyi ebibeerawo.

ESSUUBI

- Nga twolekeddwa okusoomooza kwonna, tuyimirira – mu kusaasira, essuubi n'okwagala.

- Beera n'amaanyi, n'obuvumu n'essuubi! Enkumi n'enkumi za bannassayansi bakola bwezizingirire; abanoonyereza bazudde engeri ez'okuwaayo ebiseera byabwe, ebikozesebwa n'obukugu okuwangulira ddala COVID-19.

- Okunoonya eddagala erigema COVID-19 kugasse bannasayansi n'ab'ebyobulamu b'ensi eno mu ngeri ezitabeerangawo. Ka twegattire wamu mu kusaba nga tuwagira okufuba kwabwe!

- Mu biseera bya COVID-19, omwoyo gw'okwegattira awamu gwe gutuwa essuubi - COVID-19 ajja kuwangulwa singa abantu bonna, mu mawanga gonna, bakuumibwa – okuyita mu kukolera awamu – eri akawuka ka corona.

ESSUUBI

- Beera eddoboozi ery'essuubi n'amagezi mu biseera bino eby'okusoomoozebwa – Gabana amawulire amatuufu aga saayaansi ku COVID-19 mu bantu b'enzikiriza yo. OBA Njagala okubeera eddoboozi ery'amagezi mu biseera bino eby'okusoomoozebwa: Ngabana amawulire ga sayaansi agakakasiddwa ku COVID-19 mu bantu b'enzikiriza yange.

- Beera omubaka w'essuubi n'obumu mu nzikiriza yo OBA Nze mubaka ow'essuubi n'obumu mu nzikiriza yange.

- Beera mugezi. Tuuka ku birooto byo – goberera ebikolwa ebiragiddwa nga okunaaba mu ngalo buli kiseera n'okwambala akakookolo – okwekuuma n'abaagalwa bo eri COVID-19 OBA Njagala okutuuka ku birooto byange n'olwekyo nneekuuma wamu n'abaagalwa bange eri COVID-19 nga ngoberera ebikolwa ebiragiddwa nga okunaaba mu ngalo buli kiseera n'okwambala akakookolo.

- Essuubi: Buuliranga obubaka obw'essuubi!

OKUYUNGIBWA

- Katonda ali buli wamu, tali mu kalantiini!
- Tusobola okwebeera ewala mu buntu era nga tuyungiddwa mu mbeera eza bulijjo – nga tukozesa amasimu, enkola eza digito n’emitimbagano.
- Bw’oba owulira nga ali yekka, tutuukirire: mu nzikiriza yaffe tutaddewo ekibiina ekiyambi abantu gye basobola okugabana ebibasoomooza era, nga tuli wamu, tuzuula eby’okuddamu olw’okuyambagana.
- Ka tutegeke amakubo ba mmemba mwe basobolera okuyita okutuukirira abo abeera bokka oba abayinza okwetaaga emmere, amazzi, oba ebintu ebirala.
- Mu biseera bya COVID-19, omwoyo gw’okwegattira awamu gwe gutuwa essuubi - COVID-19 ajja kuwangulwa singa abantu bonna, mu mawanga gonna, bakuumibwa – okuyita mu kukolera awamu – eri akawuka ka corona.
- Kino tukirimu ffenna, naye tuteekwa okusigala nga tweyawudde. Teekawo ebbanga wakati wo n’abalala.

EBY'OKULABIRAKO EBIRUNGI

- 2Kulembera nga oli kya kulabirako! Kubiriza abantu b'ekitundu okuweereza nga eby'okulabirako mu maka gaabwe, ab'emikwano, ne mu kitundu nga bagoberera amagezi agatuweebwa ku COVID-19 okuva mu basawo, abakulembeze b'eby'obulamu mu kitundu, ne gavumenti.

- Nkubiriza abaana bange okwemanyiiza empisa ez'eby'obulamu okuyita mu nnyimba n'amazina – Kino kibayambye obutatya; okwingera okutegeera obukulu bw'ebikolwa byabwe mu kuziyiza okusaasaana kwa COVID-19; n'okuyiga pkuyungibwa okukola amakulu kye kutegeeza.

- Ffe abakulembeze b'abavubuka mu nzikiriza tuyimiridde n'obuvumu ku lw'eby'obulamu: tufaayo eri abatalina mwasirizi mu bitundu byaffe nga tuyita mu kunaaba engalo, okwambala obukookolo n'okwewa amabanga.

- Abasajja ab'amaanyi babeera kya kulabirako kirungi. Nga tugoba ebirooto byaffe ku lwaffe, ab'amaka gaffe, ebitundu byaffe, ensi yaffe, tugoberera enkola zonna eziteereddwawo okuziyiza okusaasaana kwa COVID-19.

- Yagala muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka! Kuuma abatalina mwasirizi mu kitundu kyo nga oyita mu kunaaba engalo, okwambala akakookolo n'okwewa amabanga

OKUFAAYO

- Ffenna twetaaga okusigala nga tuli bamanyi ku bulabe bwa COVID-19 tusobole okukuuma n'okufaayo buli omu eri munne.

- Yagala muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka! Okuyita mu kussa ekitiibwa mu nkola eziteereddwawo gavumenti okukomya okusaasaana kwa COVID-19, tuba twagadde muliraanwa waffe nga Katonda bw'atwagala.

- Teweerabira: bwe tugoberera ebiragiro n'enkola ezinaatukuuma, abaagalwa baffe n'ekitundu kyaffe eri COVID-19, tuyamba abatukulembeddemu nga abajjanjabi n'abasawo okwongera okuyamba abantu abeetaaga okulabirirwa.

- Bwe neetaba mu kukyalira abantu abalwadde, nfuba okukakasa mti nnaabye mu ngalo nga ssinnaba kukyala era n'oluvanyuma lw'okukyala, wamu n'okwewa amabanga, ne bwe mbeera nga nsabira abalala. Ebiragiro bya gavumenti ku kubikka amaaso bikulu nnyo era tuteekeddwa okubigoberera!

- Okufaayo eri abalala kitegeeza kwewala nkungaana! Kozesa emikutu gi-mugatta-bantu ne tekinologiya ow'omulembe okukungaana olw'okusaba. Newakubadde nga temubeere wamu mu buntu, osobola okwegatta n'abalala mu kusaba.

OKUFAAYO

- Teri kikolwa kitono nnyo: Kulembera nga oli kya kulabirako – yambala akakookolo; weewe amabanga; naaba mu ngalo; era SABA!
- Fuba okutuukirira abantu okubalaga okusaasira mu biseera by'omuggalo nga n'entambula eteereddwako ekkomo.
- Beera ekikozesebwa ky'okubeerawo kwa Katonda mu bantu ababonaabona olwa COVID-19. Bakkirize okuwulira omukono gwa Katonda oguwonya okuyita mu kufaayo kwaffe okusaasizi.
- Tuteekwa ffenna okuwaayo obudde okubeera n'abaana baffe: bajja kukiktwala nga kya muwendo mu bulamu bwabwe bwonna, era nga naffe abazadde n'abakulembeze.
- Nyambala akakookolo nga ekikolwa eky'OKWAGALA, okukuuma abakadde mu kitundu kyange abasing okubeera mu bulabe.

OKUJAGUZA

- Mu nzikiriza yaffe twaniriza era ne tujaguliza abasawo n’abantu abassuuse, oba abawonye COVID-19.
- Obulamu kirabo kya muwendo ekiva eri Katonda era tuweereddwa ekitiibwa okubeera n’’abantu abassuuse COVID-19 nga bammemba mu nzikiriza yaffe!
- Tujaguliza obulamu mu mubiri n’omwoyo gw’abo bonna abassuuse COVID-19.
- Tujaguliza obulamu bwo n’olw’okussuuka COVID-19.
- Tujaguliza abakozi bonna abali ku mwanjo!
- Tugabana okusaasira n’okwagala eri bonna abalwadde: baana ba Katonda bateekeddwa okujagulizibwa. SSI kuboolwa.

OKUJAGUZA

- Tugabana emboozi z’abasawo, bannakyewa, n’abantu abussuuse COVID-19.

- Waliwo obubonero bw’essuubi n’obumu obw’amaanyi, embeera n’okwagala okukolera awamu – Kino tuteekwa okukijaguliza! Gabana emboozi yo ey’essuubi!

- Obulamu kirabo eky’omuwendo okuva eri Katonda. Kozesa buli mukisa okwenyumiriza mu bulamu bw’abo abassuuse COVID-19.

AMAANYI

Ffe abakulembeze b’enzikiriza tugaba obubaka obuziyiza okusaasana kwa COVID-19. Ka tubeere balamu, tusuubire, tuyungibwe, tulabirire n’okujaguliza awamu!!!

Kulemberera ku mwanjo!